**21st January 2018.**

# WEEMA ENTUKUVU Y'OKUBEERWA KWA MUKAMA KATONDA. I

**Okuva 25:1-9**

Oluvannyuma lw'okuwa Musa amateeka, awamu n'okuba n'entabagana n'abakulembeze ba Isirayiri ku lusozi Sinayi, mu kweyongera okweyolesa eri abantu be abalonde, tulaba nga Mukama Katonda alagira Musa okuteekateeka ekifo ekinaaba eky'enkalakkalira mwe banaamusisinkanga, okuba n'entabagana naye era nga Yye bwe yali Kabaka waabwe, okussaawo olubiri lwe mu bbo, ng'era nga bwe baali abatambuze abaakozesanga zi weema, naye abe ne Weema Entukuvu mu masekkati gaabwe. Mw'anneeyolesezanga okuba mu bbo, olw'okuba bakwaata amateeka ge era nga bamwaagala nnyo nga bwe yalagira.
Ekitulaga nti obuwulize oba obugonvu eri Mukama Katonda waffe tekimala, atwaagaza okumusinza, ne Yesu kye yakkaatiriza mu Yokaana 4:23,24… "Naye ekiseera kijja, era kituuse, abasinza amazima lwe banaasinzizanga Kitaffe mu mwoyo n'amazima: kubanga Kitaffe anoonya abali ng'abo okubeera ab'okumusinzanga. Katonda Mwoyo: n'abo abamusinza kibagwanira okusinzizanga mu mwoyo n'amazima."
Essuula ekkumi n'omukaaga zetutandika leero zirambika ekyo mu buluŋŋamu bwa Mukama obutereevu era nga mu Baebbulaniya 9, tunnyonnyolwa bulungi nga bwe byaali ebyeetaago by'endagaano enkadde ey'etteeka, ebyaatuukirizibwa Yesu Kristo mu ndagaano empya ey'ekisa ekisukkulumu.

Tusome ebitundu mu ssuula yaffe ey'aleero nga bwe tweetegereza ng'Omwoyo bwanaluŋŋamya……
Nny.1 -9….Abalagira okumuleetera ebiweebwaayo ky'eyagalire…(2)……
Ekyo ky'ekisobozesa (8)……….
Paulo Omutume agamba mu II Abakk. 9:7, "Buli muntu akolenga nga bw'amaliridde mu mutima gwe; si lwa nnaku, newakubadde olw'okuwalirizibwa: kubanga Katonda ayagala oyo agaba n'essanyu."
Omwo mwe muli obutuufu bw'okusinza Mukama mu mwoyo ne mu mazima, nti tuwaayo gyaali olw'okwagala kwaffe gyaali so ssi olw'entiisa yaffe kyokka mu mugondera.

Aba kulagira mu ddoboozi erya laddu, silowooza nti wandibaddeyo alekayo kyalina, naye Mukama tatwaagaza kutabagana naye tutyo, wabula okusalawo n'emitima gyaffe okwolesa okwagala kwaffe gyaali mu kuwaayo kwaffe.
Nga bwe kiri okwagala kuwaayo, Yok. 3:16.. "Kubanga Katonda bwe yayagala, ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka buli muntu yenna amukkiriza aleme.okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo."
Okusikiriza kwaffe okuwaayo okutuufu kulina kuba nti twaagala era tugondera Mukama, so si nti ekkanisa erina ebyeetaago, wadde era eba nabyo, oluusi mu bungi.
Mu Malaki 3:10-12, tulaba wokka Mukama w'atuweera enkizo okumugezesa amaanyi n'okwagala kwe bw'agamba nti ……
N'olw'ekyo nti nga bwe twaagambwa oluwedde mu Zabbuli 50:12 nti singa Mukama yali alumwa enjala teyanditubuulidde kubanga ensi n'okujjula kwaabyo bibye, kyayagala ennyo era eky'amuweesayo obulamu bwe ku lwaffe kwe kumwaagala olwo okwagala kwe kweyongerere ddala mu ffe…
Kyokka tweetegereze nti Mukama tassa ssira ku bungi bwa kiweebwaayo kyaffe wabula omutima gwe tukiweesaayo nga bwe yakirambika mu Lukka 21:1-4, eri nnamwandu eyawaayo ebitundu by'eppeesa bibiri……

Era nga tulaba muu maaso ko nga bawaayo nnyo n'okutuuka okuyimirizibwa, Okuva 35:20-29……
Okuva 36:6-7……